MUKONO Agricultural Research and Development Centre
P.O Box 164, Mukono.
Tel/Fax: 041-290232
e-mail:mknardc@africaonline.co.ug
2003

NARO

MUKONO AGRICULTURAL RESEARCH AND DEVELOPMENT CENTRE (ARDC)



Ebifa ku ttendekero ly'Abalimi

Byawandiikibwa:

Lusembo P. Centre Manager, Mukono ARDC

2003

Ebirimu

Ennyanjula..... 3

Ekifo gye kivudde 6

Ebikozesebwa 6

Ebikolebwa ku kifo 8

Emyoleso 9

Endokwa zebibala 9

Enzaaza y'ebisolo 10

Enkiiko 11

Eby'okunoonyereza 12

Pulojekiti 13

Okwetegereza ennima n'embeera z'abantu 15

Okusomesa ebibiina by'abalimi 16

Ebibiina by'abalimi Centre bye tandise okukolagana na byo 17

Enkola y'okukwasiganyiza awamu 20

Map eraga ekitundu Centre ky'evunanyizibwaako okutumbula embeera z'abantu.



ENNYANJULA

Gyebuvuddeko katono gavumenti yakyusaako mu nkola yaayo ng'eyongera okussa essira mu kusembereza abantu empeereza yaayo n'okuwa abantu omukisa okwenyigira mu kaweefube ow'okwekulaakulanya n'okulongoosa embeeera zabwe. Okutuukiriza kino abantu balina okuyambibwa, basobole okulaba ebizibu byabwe, okubinogera eddagala era n'okukola entegeka ez'okuvvuunuka ebizibu ebyo. Abantu balina okusobozesebwa okugezesa amagezi amapya ate basobole okwesalirawo aganaasingako okubayamba okutumbula ku makungula gaabwe era n'ekigulira magala eddiba. Mu kugoberera enkola eno NARO (Ekitongole ekikola ku byokunonyereza kubulimi, kubibira ne kubulunzi) yassaawo entegeka ey'okusembereza abantu empeereza yaayo n'okukolaganira awamu esobole okutuukiriza ebigendererwa ebyo waggulu.

Mukono ARDC lye limu ku matabi ekkumi n'erimu (11) NARO ge yatondawo okusobola okutuukiririzaamu ebigendererwa ebimenyeddwa waggulu mu buli bitundu ebifaananya enkula y'ensi, embeera y'obudde era n'ebimera ebiddayo.

Ettabi lino livunaanyizibwa okukulaakulanya eby'obulimi mu kitundu ekyetoolodde ennyanja Nnalubaale .Era livunaanyizibwa okulaba nga ebinoonyerezeddwako mu bulimi, bibira n'obulunzi bituuka ku balimi n'abalunzi mu District 11 eziri mu kitundu ekyetoolodde ennyanja Nalubaale ate ne basobola okweggyiramu bye baagadde. Ekigendererwa kya byonna mu by'okunoonyereza kwe kusitula embeera z'abantu, ng'amagezi ag'ekikugu gabayiiyizibwa era n'okubasemberezebwa.

Emirimo gya Mukono ARDC:

- Okutegeera obulungi ennima nennunda ekozesebwa mu gutundutundu ogwo ogwa districts 11, ogwetoolodde ennyanja Nalubaale.
- Okuzuula (mu balimi n'abalunzi) ebyetaago ebirina okunoonyerezebwako.

- Okusomboola amagezi ag'ekikugu okuva mu kitongole ky'eggwanga ekikola ku kunoonyereza mu by'obulimi n'obulunzi era ne mu bitongole ebirala ebikola ku kunoonyereza okw'engiri eno.
- Okusengejja n'okutuusa amagezi ag'ekikugu mu bitundu
- Okusomesa abalimi n'abalunzi enneeyisa z'abantu abakungaanidde awamu (mu bibiina) n'obukulembeze.
- Okusomesa abalimi n'abalunzi ko n'abawi b'amagezi engeri y'okugezesa ebinoonyerezeddwako era n'engeri y'okubituusa ku balimi n'abalunzi.

Ekifo gye kisangibwa

Mukono ARDC esaangibwa ku kyalo Ntawo mu Mukono District Km 20 okuva mu masekkati ge kibuga Kampala ng'odda ebuvanjuba. Okyamako Km 2 okuva ku luguudo oluva e Kampala okudda e Jinja. Kiriko obugazi bwa ha 41. nga kuzo ebitundu nkaaga ku buli kikumi (60%) zirimwako.

Enzirukanya y'ekifo

Kikulirwa Centre Manager era y'alabirira enzirukanya yakyo. Waliwo akakiiko akayitibwa Zonal Steering Committee nga kakolebwa abakiise abava mu buli district eri mu gutundutundu guno ogwetolodde ennyanja Nalubaale. Akakiiko kano ke kasaale mu kulungamya entegeka n'emirimo gy'ekifo kino . Ku kakiiko kano kuliko abakiikirira abalimi, abakulembeze abomu bitundu, ebitongole ebitali bya Gavumenti, ebibiina eby'okwekulaakulanya nga bya mu bitundu,ekitongole ekiwa amagezi mu by'obulimi (NAADS), banneekolera gyange, abakulira eby'obulimi mu district n'e kitebe ekifuga NARO. Akakiiko kano kaliko abalongoosa ebirime n'ebiva mu bisolo kisobozese abalimi n'abalunzi okufuna obutale.

Ku nkomerero y'olukiiko abakiise bakkiriziganya ku ebyo ebyetaagisa okunyweza enkolagana oba olujegere wakati w'abo abasuubirwa okukolagana ne Centre:

- Okussaawo olukiiko lw'abo abakwasizaganyiza awamu emirimo-ne Centre
- Okutwala omulimi nga ye "NSONGA"!
- Amagezi ag'ekikugu aga Centre n'ago ag'abagikwatirako
- Abalimisa be baliraanye omulimi (n'omulunzi).

Oluvanyuma lw'olukiiko abantu balondebwa okulaba ng'ebiteseddwaako bisibwa munkola. Era mu February 2003 akakiiko kaatula nekasalawo biki buli omu byeyalina okukola okusobola ekwongera amaanyi mu kuyingiiza ensigo ez'omulembe mu nima y'abantu.

Ebiddirira

Eby'entumbula y'ebyobulimi mu bantu birina kwesigamwa ku kukola senti. N'olwekyo Centre ng'ekolagana n'ekitongole kya Makerere University(Dep't of Agricultural Economics and Agribusiness) etegese enkola mwe somera enyingiza n'enfuuna eva mu kulima n'okulunda ebintu eby'enjawulo. Kino kijja kuyamba abalimi okumanya enfuna eva mubulimi obw'enjawulo. Wano bajja kusobola okulima ebyo ebifuna. Centre erina entegeka sinjingu mwejja okuyita okulaba nti abalimi bafuna technologia omutuufu n'e kitongole ekiwa amegezi mu by'obulimi (NAADS) anabasobozesa okufuna mu kulima.

Okutuuka mu June 2003 emisomo 7 gitegekeddwa mu districts Kayunga, Masaka, Mubende, Mpigi, mukono ne Wakiso. Districts endala nazo zijja kutegekerwa emisomo gyegimu nazo zisobole okuganyurwa mu pulogulamu eno.

Enkola y'okukwasiganyiza awamu (partnerships):

Centre ekiraba bulungi nga teyinza kuleetaa nkyukakyuka ya muggundu mu mbeera z'abantu ngeri bwannamunigina. N'olwekyo efaayo nnyo okulaba ng'efuna abantu ebibiina, oba ebitongole by'ekolagana nabyo okulaba ng'embeera z'abantu zisituka. Mu July wa 2002 Centre yategeka olukiiko olwasooka kw'ezo ennyingi ezitegekeddwa mu maaso ng'esisinkanirako ebitongole eby'enjawulo by'esuubira okukolagana nabyo.

Ebitongole ebyakiikirirwa mu lukiiko luno byebino: ebitongole ebitali bya gavumenti, abakulembeze abomu bitundu, abanoonyereza mu by'obulimi n'obulunzi n'ebibiina by'abalimi n'abalunzi ebiri mu districts: Kayunga, Mpigi, Mukono, Masaka, Mubende ne Wakiso. Omulamwa gw'olukiiko gwali, *okukolaganira awamu okusobola okuzza amaanyi mu nnima (n'ennunda) y'abalimi abasookerwako.*

Ebigendererwa by'olukiiko byali bino wammanga:

- Okutuuka ku nzikiriziganya ku biki ebiri mu kuzza amaanyi mu nnima n'ennunda eriwo okusobola okusitula embeera z'abalimi abasookerwako eyo mu byalo.
- Okufuna ekigendererwa ekyawamu n'obumalirivu bw'abo Centre b'esuubira okukolagana nabo, mu by'okunoonyereza.
- Okulaba amagezi ag'ekikugu agasuubirwa okuva mu buli kitongole ky'abo abeewaddeyo engeri gye ganaakozesebwamu, okugabana eby'okukola, omulimo gusobole okutambula obulungi ng'abamu tebadda mu bikoleddwa balala.



Akakiiko akaasoka okaddukanya Mukono ARDC oluvaanyuma lw'olumu ku nkiiko zalwo mu 2002

Abakozi

Ekifo kirina abakozi ab'emitendera egy'enjawulo; Abakugu abamadiguli 8; basatu ku bo nga bakola ku birime, omu akola ku mbeera za bantu, omulalala kubyamawulire,ababiri bakola ku bya nsimbi, ne Centre Manager. Kuno kwogatta abakozi abalala (technicians) 11 abayamba mu ku ddukanya emirimo egitali gimu ng'okulabirira eby'amazzi, ebisolo , ennimiro, etterekero (stores), ebyuma n'ebidduka, n'omuwandiisi.



Ekutundu ekimu ku compound ya Centre

Ekifo kino okusobola okuddukanya obulungi emirimo gyakyo egy'okutuusa empeereza ku bantu, kifuna ssente okuva ku kitebe ekikulu ekya NARO. Ate era kifuna ssente okuva mu

kutunda ebimu ku bikungulwa, n'okupangisa ebizimbe n'ebikozesebwa eri abo abaagala okutegekerawo emisomo n'enkiiko.

Ekifo gye kivudde n'okutuuka wekiri kati

NARO yatwala obuvunaanyizibwa bw'ekifo kino nga 3 /7/ 2000. Ng'ekifo kino NARO tennakitwala kyayitibwanga Mukono District Farm Institute (D.F.I.) Amangu ddala nga NARO yakatwala ekifo kino yakirabirawo ng'ebintu byonna byetaaga okulongoosebwa, ekifokisobole okutuukama n'omulembe.



Basecretary ba Centre nga bakakalabya emirimu gyabwe

Ebitanda ebirungi n'ebyebikkwa, entebe eziriirwako byagulibwa; amayumba n'amasitoowa byaddaabirizibwa, ebisenge n'obusolya byasiigwa langi,oluggya olwali lufuukuddwafuukuddwa mu kuzimba ebizimbe ebipya lwatereezebwa bujja, paaka y'ebidduka n'engundo nebiddaabirizibwa era n'olukomera okwetooloola ekifo kyonna ne lukolebwa

Ebikozesebwa.

Waliwo ebisulo mukaaga ebisobola okusuza abantu abawerera ddala 124, era n'ebisenge bina ebirimu buli kintu (ie byemalirira). Ebisulo bino birabiririrwa bulungi. Birina amazzi ag'omudumu (agookya n'agannyogoga) era n'obuyu obufulumirwamu ko n'ebinaabiro. Ekifo kirina ekisenge ekinene ekisobola okutuuza abantu 120 omulundi ogumu , nga kirina emizindaalo, vidiyo , televizoni, overhead projector n'olutimbe lwayo, ko n'ekyuma ekyokya empapula (photocopier).

Computer n'empeereza yonna ekwata ku kufulumya ebiwandiiko

District	Group Name	Location	No. of farmers	
			F	M
Masaka	1. Budda Women's Group	Budda village	25	-
	2. Twesinga Mukama Budda Farmer's Group	Budda village	15	15
	3. Budda Farmers' Group	Budda village		
Wakiso	1. Gutali Mutume Farmer's Group	Kona West	10	8
	2. Bulamu Women's Group	Kona West	15	3
	3. Kiyembe Farmers' Group	Kona West	3	7
	4. Ogutateganya Dev't Association	Kona West	8	4
	5. Gwosusa Emwanyi	Kona west	13	2
Mpigi	1. Butoolo Disabled Farmers' Group	Butoolo village	10	13
	2. Balikyebuza Dera Farmers' Group	Dera village	3	9
		Lugasa East	13	3

District	Group Name	Location	No. of farmers	
			F	M
Kayunga	1. Balyejjusa Womens' Group			
	2. Munaku Kaama Youth Farmers'	Lugasa East		9
	3. Basoka Kwavula Farmers' Group	Kayonza	7	10
	4. Kyosimba onanya Farmers' Group	Nakabango	6	4
	5. Akwata empola Fisheries group	Nakabango	9	6
	6. Nakabango Farmers' Group	Nakabango	7	11
	7. Anonya alaba mixed Farmers' Group	Namaliri	4	9
	8. Tukolere Wamu Farmers' Group	Kyato 1	8	4
	9. Zibula attude Farmers' Group	Kyato 1	6	5
	10. Akwata Empola Farmers' Group	Kawolokota West	5	9
Mubende	1. Nkobaambogo Farmer's Group	Namukomago LC 1	8	7
	2. Bivamuntunyo Farmers' Group	Luyege LC 1	7	9
	3. Bwavu Mpolongoma Farmers' Group	Bulyankuyenge LC 1	17	12
	4. Kwagalana Farmers' Group	Butenga and kyetume	3	11
	5. kwagalana Farmers' Group	Vunamba LC 1	10	17

(secretarial services) weebiri. Ku bisenge ebisatu ebikungaanirwamu, ekimu kisobola okutuuza abantu abawerera ddala 50 , ate ng'ebibiiri buli kimu kituuza abantu 20.

Emmeeza n'ebituulwako bisitulikika era biyinza okutegekebwa okusinziira ku muntu bw'aba ayagadde. Emmere entegeke obulungi okusinzira ku ndya entuufu (balanced diet) eweerezebwa mu maliiro amanene obulungi abiri, ekiyungu n'abafumbi basobola bulungi okuweereza abantu abangi omulundi ogumu. Waliwo generators ssatu (3) eziyamba singa amasannyalaze gaba gavuddeko. Waliwo empeereza ya bodabada eyunga abagenyi ku kifo kino, era n'essimu ya lukale eya MTN.

Eby'okwewummuzaamu:

Centre erina Television ne Dikooda, Pool table, Volley ball court, Darts, ko n'ekisaawe ky'omupiira omuntu by'asobala okwewummulizaako.

Ebikolebwa ku kifo:

Emisomo egy'olunaku olumu, gitegekerwa ebibiina by'abalimi nnaddala okuva mu districts Centre z'erinako obuvunanyizibwa obw'e



Omukozi wa Centre nga anyonyola emu ku group z'abalimi ezajja ku Open Day mu 2001



Dr. Kisamba Mugerwa, Minista w'ebyobulimi ng'alambuza Jimmy Carter eyali Puluzidenti w'America ku Open Day 2001

njawulo (eziwera11). Naye era ekifo kifuna abalimi okuva mu district endala abajja okulaba n'okuyiga eby'enkulaakulana. Emirundi mingi abayizi ab'emitendera egy'enjawulo, abalimi n'abalunzi abakola emirimo egifaanana batera okukyalira ekifo kino okusobola okufuna amagezi ag'ekikugu, endyo ennungi era n'ensigo ez'omulembe.

Ebirime binkiramwaka nga kasooli, ebijanjaalo, muwogo, lumonde, ebirugu,n'enva endiirwa; birimwa mu bulimiro obutono ne mu nnimiro ennene. Ebirime ebirwa mu nnimiro nga cocoa, emmwanyi, amatooke, n'ebibala nabyo birimwa. Obulimiro obutono okusinga bukozesebwa mukugezesa ng'ate ennimiro ennene zikozesebwa ng'ekyokulabirako era n'okuyigiririzaako ennima ey'omulembe,



Centre Manager, Peter Lusembo ne Technician Robinah Gafabusa nga bali ku muchungwa ogubalidde mu mwaka ogumu.

Table 1. Ebibiina by'abalimi Mukono ARDC by'etandise okukolagana nabyo mukutumbula embeera z'abantu mu Distulikiti ez'enjawulo

Distulikiti	Elinya ly'ekibiina	Ggombolola	Omuwendo	
			F	M
Mukono	1. Nakibole Farmers' Group	Kawolo Sub-county	7	5
	2. Nakusubyaki Mixed Group	Kawolo Sub-county	6	15
	3. Kigunga women's Group	Goma Sub-county	7	0
	3. Nsambwe Farmers' Group	Goma Sub-county	10	6
	5. Okwegatta Gemannyi Ntawo Group	Mukono Town council	10	5
	6. Ggulu "A" Women's Development Group	Mukono Town council		
	7. Buguju Farmers	Mukono Town council	5	8
	8. Ddandira Farmers' Group	Mukono Town council	19	5
	9. Akwata Empola Farmers' Group	Kira	13	6
	10. Linda Kigweyo Group	Central Naminya	11	6
	11. Zibula atudde Farmers' Group	Bujjowali		
	12. Kyosimba Onanya Farmers' Group	Naluwerere	14	9
	13. Biva muntuyo Farmers' Group	Naluwerere	10	6
	14. Naminya Youth Group	Naminya		
	15. Balyejjusa Bujjowali Association	Bujjowali	9	5
	16. Muyenga Farmers' Group	Muyenga	12	6
	17. Ddembe Development Association	Bujjowali	8	5
	18. Tweyambe Farmers' Group	Bujjowali	8	4

Gavumenti, n'ebibiina by'abantu (abatuuze) eby'okwekulaakulanya (C.B.Os). Mu bitundu ebyo, banassayansi nga bali wamu n'abalimi bomu kitundu n'abalala be kikwatako e.g abakulembeze b'omukitundu baakusalawo ku byetaago by'ekyaalo, bisengekwe, era banoonye engeri ebizibu ebisengekeddwa gye biyinza okuvvuunukibwa.

Okusomesa ebibiina by'abalimi Centre by'ekolagana nabyo

Ekitongole ky'eggwanga ekikola ku by'okunoonyereza mu by'obulimi n'obulunzi (NARO) kituukiriza obuvunaanyizibwa bw'okutuusa ku balimi amagezi g'ekikugu era n'okunoonyereza ku nkozesa yaago mu balimi nga kiyita mu bibiinna by'abalimi n'abalunzi. Abalimi n'abalimisa abali mu districts Centre zevunanyizibwaako bategekerwa emisomo egya week. Ebigendererwa by'emisomo gino kwe kusobozesa abalimi n'abalunzi okufuna amagezi n'obukugu mu bino:

- Okukola ebibiina by'abalimi ebigumu nga bamemba baabyo bajjumbize mu kukozesa amagezi ag'ekiku n'okuganoonyerezaako,
- Enneeyisa z'abantu abali awamu (mu kibiina) n'obukulembeze,
- Okukola ebibiina, ebifugika era nga bikolera ku musingi ogwa bizinesi, okulongoosa enkola y'ebibiina okutwaliza awamu nga bikozesa okulambikibwa okuwandiike (constitution),
- Okwongera omutima ogw'obwa nannyini n'obuvunaanyizibwa mu bibiina.

Okwetaba mu bikolebwa ebitongole ebirala:-

Akusobola okukola obulungi ku byetaago by'abalimi Centre etambulira wamu n'amagezi gonna amapya agaba gayise mu bitongole bya NARO, ekitongole kyobulimi, obulunzi n'ebyennyanja era n'ebitongole ebirala, nga yeetaba mu pulagulamu z'ebitongole ebyo.

enziyiza y'ebiwuka n'endwadde era n'okufukirira ebirime amazzi mu budde obw'ekyeya. Ennimiro zino zirambuzibwa abagenyi enteegeka bw'eba ekoleddwa nga bukyali. Ezimu ku nnimiro ezikola ng'ebyokulabirako n'amazaaliso g'ebimera bikozesebwa okuzaaza ensigo n'endokwa ebitera okwettanirwa abagenyi. Waliwo emmwanyi ez'ekika kya Arabica nga nnyimpi (teziwanvuwa). Zino ziri mu kwetegerezebwa nga zisuubirwa okuba nga tezikwatibwa kukala kwa mmwanyi *(coffee wilt disease)*. Era waliwo ennimiro enzaazi omuggyibwa ensukusa ez'ebitooke ebya wano n'ebivudde ebweru, omuggyibwa endokwa z'emmwanyi, era n,omuggyibwa endokwa za cocoa abalimi kwe basobola okutandikira.

Emyoleso /emisomo mu nnimiro

Gino gitera okubaawo mu biseera ebigere okusomesezaamu abalimi n'abalunzi n'abantu bonna okutwalira awamu ku biki Centre by'ekola era n'emigaso gye bayinza okugifunamu. Centre yateekawo eby'okulabirako by'abalimi bibiri e Busabaga mu Mukono District, ne Butoolo mu Mpigi district. Abatuuze b'omu kitundu be bavunaanyizibwa okulaba ng'a balimi n'abalunzi b'omukitundu bakozesa eby'okulabirako bino. Yo Centre eyambako mu kulabirira ennimiro zino.

Okulima ebibala n'okukola endokwazaabyo.

Endokwa ez'emiyembe, obutunda, ovakedo, emicungwa, enniimu, ennimaawa n'ezamangada zikolebwa. Enkola esinga okukozesebwa yey'okusiba ekimera ekimu kukirala (grafting) n'okumeza akaaso ku nduli (budding) naddala mu bika by'e micungwa. Enkola eno erina emigaso mingi ng'okukendeeza ebbanga ekibala ky'osimbye mwe kibalira (likendeera okuva ku myaka 5-10 okutuuka nga ku 2) omuti teguwanvuwa nnyo;era n'okusobola okukola endokwa mu bibala ebitakola nsigo.

Enzaaza y'ebisolo n'endabirira:

a)Embizzi; Centre erina ebika by'embizzi bibiri i.e. Large white ne Landrace. Embizzi ziwebwa ebibiina by'abalimi n'abalunzi zibasobozese okwetandikirawo obulunzi bw'embizzi oba okulongoosa mu musaayi gw'ezo ze balina. Okuviira ddala mu mwaka gwa 2001 embizzi eziwerera ddala 10 zigabiddwa mu bibiina by'abalimi n'abalunzi bitaano mu Mukono Town Council. Anaatwala embizzi alondebwa bamemba ba kibiina nga basinziira ku busobozi bwe mundabirira. Ku luzaala olusooka obubizzi obukazi bubiri buzzibwa ku Centre busobole okuweebwa bamemba abalala mu group y'emu oba mu bibiina ebirala. Abaddirira asoose okufuna embizzi batera kulondebwa ng'ekibiina kyakafuna embizzi esooka. Kino kiyamba nnyo okwekubiriza okulambula eby'endabirira y'embizzi esoose mu kibiina mwennyini, kuba n'abalala baba basuubira okufuna omukisa gwe gumu. Oluzza obubizzi obubiri ku Centre ng'olwo nakazadde afuuka woyo eyagirunda. Abakozi ba Centre bawandiika bulungi ebiwandiiko ebikwata ku ntambula y'enkola eno era nabalunzi abagiyingizza mu nkola y'emirimo gyabwe. Ebyetaaga okunoonyerezebwako bisalwawo abalunzi n'abanoonyerezi, obulunzi bwembizzi busobole okukula.



Embuzi ezabulijjo ezirundirwa ku Centre nga ziwakisibwa South Africa Boer goats

b)Enkoko: Centre erunda enkoko ez'enyama nez'amagi. Amagi n'ennyama biguzibwa abantu ababa babyetaaga ate ebimu nebikozesebwa mu kiyungu ky'ekifo kino.Waliwo n'ejjalulizo ly'obukoko obuguzibwa abalunzi.

(ii) Naminya mu Ggombolola y'e Wakisi mu Mukono District. Ekigendererwa mu pulojekiti eno kwe kulaba n'okuyiga biki ebikolebwa mu nnima eno ate biwandiikibweko.



Engeri y'okulabiriramu olusuku olusimbiddwamu ebijanjaalo mu ngeri y'okukuuma obutonde bwensi

Ekimu ku bigendererwa kwe kussa amaanyi mu balimi n'abalunzi okusobola okuyiiya mu ngeri yabwe nga baasinziira ku magezi g'ekikugu amapya n'ago agaaliwo okuva edda. Kino okukikumamu omuliro n'okulaba wa abalimi we batuuse mu kuyiiya, Centre essaawo empaka wakati w'abalimi. Okutuukiriza kino obulungi ensigo ennungi (ennongoosemu) eya Kasooli, obulo,bijanjalo, binyeebwa, bitooke, muwogo ne lumonde byaweebwa abalimi b'omuluka gw'e Namaliiri n'ogw'e Naminya wakati wa March-April 2002. Omukisa guno gwasobozesa abalimi okuzaazamu ensigo ey'okusimba mu biseera ebyomumaaso.

Okwetegereza ennima n'embeera z'abantu:

Okusobola okuyiiya amagazi n'ebikozese bwa eby'ekikugu ebinaasobola okukyusa ekitundu (okukikulaakulanya), kikulu nnyo okusooka okumanya embeera z'abantu b'omukitundu ekyo, era n'ennima (n'ennunda) yabwe. Olw'obukulu bwa kino Centre yatandika okuyiga n'okwetegereza bino (ie embeera n'ennima z'abantu) mu Districts zino: Mukono, Kayunga Mubende, Masaka, Luwero, Nakasongola, Kiboga, Wakiso ne Mpigi. Ebifo eby'okwetegererezaamu ennima n'embeera z'abantu byalondebwa era ne bikyalirwa, okwo gattako okulonda Centre beenekolagana nabo nga bava mu bibiina bya balimi, ebitongole ebitali bya

(Bushenyi ne Mbarara), okusobola okukubaganya ebirowoozo n'okufuna amagezi amaggya mu kulima ebitooke.

- Abalimisa n'ebitongole eby'okwekulaakulanya eby'omu bitundu (CBOs) byetabira ddala mu mulimo guno okusobola okugwongera mu maaso (obutazikira).



Dr. Otim-Nape nga alambuza omukulu wa World Bank Project y'ebitooke e Busabaga mu Kyaggwe, 2001

Pulojekiti y'okukwasizaganya awamu endabirira y'ebirime (Intergrated Crop Management):

Eno y'endabirira y'enkolagana wakati wa bino: ettaka, ebimera, amazzi, ebibira n'ebisolo, ng'ekigendererwa kubifunamu eby'obulimi n'obulunzi. Y'enkola enkwataganye oba engattike omulimi gy'asobola okukozesa ebbanga lyonna ng'eva ku magezi n'obumanyirivu bw'omulimi. Erimu ennima ez'enjawulo nga buli emu ejjuuliriza ginnaayo okusobola okufuna amakungula amangi naye ng'obutonde n'ebirime mwe bikulira tebukoseddwa. Pulojekiti eno yatandikibwawo mu August 2001 mu bifo bibiri:

(i) Muluka Namaliri mu Ggombolola y'e Kayonza mu Kayunga district .

c)Ente ez'amata: Zino zassibwawo okulaga n'okuyigiriza ennunda ey'okukuumira ente ez'amata mu kiyumba ate nga bwe zirisiibwako ku muddo ebweru mu malundiro. Amata n'obute obulume biguzibwa abantu ababa babyetaaga.

d)Embuzi: Waliwo eddundiro ly'embuzi erizimbiddwa, embuzi enzungu ez'ennyama n'amata zisobole okuleetebwa. Embuzi ennume ez'ekika kya Boar okuva mu maserengeta ga Africa zitekeddwamu okuloongosa mu zaawano.

e)Omuddo gw'ente: Omuddo gw'ente n'endabirira yagwo biragiririwa abalimi. Omuddo gwonna guli ku ttaka lya 1.7ha, nga ku zino kuliko omuddo gw'osobola okukungula n'otwalira ente gwa 0.9ha. Omuddo ogulundirwamu ente mutabuletabule, osangamu mukonzikonzi, chloris,ate n'ebibowabowa nga Centro ne Siratro. Ate ogukungulwa negutwalirwa ente mwe muli ebisagazi, Setaria(kakirakambwa), Calliandra ne Russian comfrey.

Enkiiko ezitegeka Centre by'ekola nga zituulwako buli akwatibwako:

Enkiiko ez'engeri eno eziruubirira okumanya empeereza ya Centre oba ebitongole ebirala ebinoonyerezi wa we bituuse za buli mwaka. Abazituulako bazuula abalimi n'abalunzi bye beenyigiddemu okukola mu kitundu Centre ky'evunaanyizibwako, ate ne babisengeka okusinziira ku bukulu bwabyo. Ekiddirira kulaba bizibu ebiri ku ebyo abalimi bye bakola, nabyo ne babisengeka nga babiwaako n'amagezi ag'okubivuunuka. Abakiise bano bakola entegeka ey'okugoberera, okussa ebiteeseddwa mu nkola nga balondobamu ebintu ebikulu ebyetaaga okukolwako amangu. Watera okussibwawo obukiiko obutabaganya okulaba nga buli kikkiriziganyiziddwako kituukirizibwa. Obukiiko obuba buteereddwawo buvunaanyizibwa ku kulondoola n'okukebera enzisa mu nkola y'ebyo ebyasalwawo okukolwa.



Group y'abalimi bolesa certificates zaabwe oluvanyuma lw'omusomo ku Centre mu 2002

Eby'okunoonyereza ebiteereddwawo:

Okunoonyereza okwawamu nga Centre yeegasse wamu n'abalimi kuteereddwawo. Abalimi, abakulembeze b'omu bitundu, ebitongole ebitali bya gavumenti ne bannasayansi beetaba wamu mu kulaba n'okwetegereza ebizibu, ko n'emikisa egy'enjawulo ebiri mu byaalo.

Abalimi n'abalunzi basengeka ebizibu byabwe ate nga bali wamu ne bannasayansi,ko



Abakozi ba Centre nga bakyalidde omu kubalimi bekolagana nabo ku nimiro ye

n'abo abakwatibwako enkulaakulana y'obulimi n'obulunzi(abamenyeddwa waggulu), bazuula engeri y'okuvuunuka ebizibu ebyo. Enkola eno eyamba bannasayansi okuyiga okuva ku balimi n'abalunzi , ate nabo ne basobola okubayigirako ate nga bwe bayigira ne kubalimi bannaabwe .



Abayizi ba Zana Junior Boarding School nga bakyadde ku dundiro ly'enkoko

Pulojekiti y'okuddaabulula ensuku:

Pulojekiti eno yakolebwa mu District ya Mukono mu magombolola gano: Kawolo, Goma ne Wakisi mu mwaka 2000-2001

Bino bye byakolebwa;

- Okunnyonyola abantu ku nsomesa ey'endabirira ey'ebitooke.
- Okunnyonyola emigaso n'okukubiriza abantu okukola ebibiina by'abalimi ate n'okunyweza ebikadde.
- Okuwa abalimi amagezi ku nnima n'endabirira y'ebitooke ko n'okulwanyisa ebiwuka mu ngeri ez'enjawulo.
- Abalimi baalambuzibwa baliimi bannabwe mu districts endala